


**335/1
LUGANDA
PAPER 1
JULY/AUGUST
2 HOURS**



ELITE EXAMINATION BUREAU MOCK 2019
Uganda Certificate of Education

LUGANDA

(Okuwandiika emboozi, okukyusa, okufunza, ggulama n'ebisoko)

OLUPAPULA OLUSOOKA

ESSAAWA BBIRI

EBIGOBERERWA:

- *Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri A ne B.*
- *Mu kitundu A, mulimu nnamba 1(a) ne 1(b), londako (a) oba (b).*
- *Mukitundu B. mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2 londako (a) oba (b).*
- *Nnamba 3 yonna ya buwaze.*

EKITUNDU A:
(Kola nnamba 1(a) oba 1(b) mu kitundu kino)

KOLA:

1. a) Wandiika emboozi etekka wansi wa bigambo bikumi bina (400) ku gumu ku mitwe gino: (Buli mboozi ya bubonero 50)
 - i) Nze mbimaze.
 - ii) Okukyusakyusa abaana mu masomero si kirungi. (Kubaganya ebirowoozo)
 - iii) Gunsinzealiwabitono.
 - iv) Okukuumaobutondebw'ensi.

OBA:

- b) Ku mitwe gino londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa.
 - i) Wandiikira muzaddewo ebbaluwa ng'omubuulira ku bulungi obuli mu kuwa omwanawo obudde obumala.
 - ii) Ggw'okulira ebyobuwangwa mu woofisi ya katikiro, oyitiddwa mumusomo gw'ebyobuwangwa okwogerako eri abantu ku bivuddeko obuwangwa okusereba. Wandiika okwogera kwo.
 - iii) Wabaddewo ng'ababbi b'emmotoka poliisi ebagombamu obwala, omu abadde adduka ne bamukuba amasasi agaamutiddewo. Wandiika siteetimenti gy'onoowa poliisi.
 - iv) Wandiika omuko mu mawulire nga weemulugunya ku bisale byamasomero ebiyitiridde ennyo okulinnya ensangi zino.

EKITUNDU B:
Kola ebibuuzo 2(a) oba 2(b). Buli kibuuzo kya bubonero 20.

2. a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100.

EMIGASO OMUYIZI GY'AFUNA MU KUSOMA OBUTABO.

Omwana bwayiga okusoma obulamubwe obw'omu maaso buba butangaavu. N'olwensonga eyo ekitongole kya KCCA ne FAWE bakwataganye okulaba nga batumbula omutindo gw'okusoma ebitabo mu masomero g'omu Kampala. Amyuka Dayirekita wa Kampala yagambye nti bawaliriziddwa okusaawo etterekero ly'ebitabo nga baakulitambuza mu masomero ag'enjawulo okusobola okutumbula okusoma ebitabo mu bayizi mu bibiina ebya wansi.

Yagambye nti okusoma ebitabo kirungi eri omwana. Omwana bw'aba nga tannasobola kw'esomera, ggwe ng'omuzadde olina okumusomesa ebitabo okuva ku myezi nga esatu. Omwana aba awulira wadde essaawa eyo aba tategeera bulungi naye bw'agenda akula alina ky'afuna ne kyongera okuwagala obwongo bwe.

Bw'osomera omwana ayiga okussaayo omwoyo eri omuntu abaako ky'ayogera era yagambye nti kino kimuyamba okussaayo omutima mu kibina. Omwana bw'aba omuto okuva ku myaka 3 okutuuka ku 10 anyumirwa okumusomera obutabo ate nga bw'alaba n'ebifaananyi ekimuyamba okwongera okutegeera ebigambo by'omusomera.

Omwana bwayiga okusoma kumuyamba okutandika okunyimirwa by'asoma. Kino kimuyamba obutakaluubirirwa kusoma bitabo bye ne bw'aba ngakuze. Era omuzadde yenna singa asomera omwana ekitabo kibayamba bona okukolagana obulungi. Okunoonyereza kulaga nti omwana gwe basomedde ku bitabo nga tannagenda ku ssomero, bw'atandika okusoma aba ategeera mangu bye bamunyonnyola ku ssomero. Baba bategeera bulungi okubala n'amasomo ga ssaanyansi.

Mu kusoma obutabo kumuyamba okuyiga olulimi. Bw'oba omusomera ekitabo awulira enjatula y'ebigambo n'afumiitiriza n'embeera mwe babyogeredde. Era wano ayiga mangu okwogera. Mu kusoma obutabo ayiga n'okukuba ebifaananyi embeera gy'asomye bwe yandifaananye. Kumuyamba n'okutandika okutetenkanya embeera. Omwana bw'asoma obutabo obw'enjawulo bumuyamba okumanya ebibeerawo ku bantu ab'enjawulo. Oluusi ne bwe kimutuukako taty nnyo amanya ajja kuvvunuuka embeera. Avunaanyizibwa okulondoola eby'okusoma, mu kitongole kya Fawe, asabye amasomero gye Bagenda okutandikira okutwala obutabo okubweyambisa kiyambe okuggula obwongo bw'abayizi.

Yasabye abasomesa okuyamba okunyonnyola abayizi baleme kwerabira by'ebasoma. Enkola eno baajanjulidde ku Ntinda Primary school. Yanyonnyodde nti buli ssomero lye baagendamu bajja kumalayo wiiki bbiri. Kino kyakoleddwa nga bagenderedde okwongera okutumbula okusoma ebitabo mu bayizi aba pulayimale kibayambe okutumbula ensoma yaabwe n'okutegeera.

Baakugenda mu masomero 72 agali mu Kampala nga bakyatandiseeko n'amasomero 10.

OBA:

2. b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

The gender ministry has joined Kampala capital city Authority (KCCA) to enforce a law prohibiting individuals from giving money to street children.

Youth and children affairs state minister Florence Nakiwala announced that the ministry would be part of inter – agency team comprising several other ministries and agencies implementing the ordinance.

The KCCA child protection ordinance 2019, drafted by KCCA is also intended to protect children in Kampala from engaging in harmful activities such as selling alcohol, which are not covered by the current legislation.

Once passed into law anybody found engaging street children – in harmful employment would be imprisoned for six months or pay a fine of 40,000 thousand shillings. If we embark on this it will be hard for these children to survive on the streets, otherwise giving them handouts will only encourage them to keep on the streets. Nakiwala said.

The minister made the remarks while launching an operation to resettle street children that started yesterday, at two rehabilitation sites in Kampala and Wakiso districts.

The number of children on streets stands at 15,000 according to records from the gender ministry. Nakiwala however told journalists that the gender ministry in partnership with the ministry of internal affairs and KCCA have been able to withdraw, rehabilitate and resettle up to 8,070 children in the past operations.

This exercise had not been consistent so the number of children on the streets has kept increasing whenever there is a break in the exercise.

Extracted with minor modifications from Saturday Vision June 8th 2019.

Kola ebibuuzo 3(a), 3(b) ne 3(c).

3. a) Jjuza ebisokoebituufu mu mabangaagalekeddawo.
 - i) Omusajja oyo ensimbi z'alina zitootoogana nga
 - ii) Kato ne Nnabunje omukwano gubasaza mu
 - iii) Okukuba omwana w'omukulu oluggulidde ku anti ojja kusibwa.
 - iv) Ku olwo enkoko twagikwata era twatuuka bukyali.
 - v) Obwedda otulo tundi bubi nga ntema
 - vi) Omukyala oyo abantu bamuyisamu anti talina mpisa.
 - vii) Omukyala oyo gw'olaba mugagga era alina ensimbi empya ne
 - viii) Obwedda si nnakomba ku ya tulo nga ndi mu kukola.
 - ix) Olwamutunuddeko emmeeme ne ntyemuka be
 - x) Eyafunisa muwala wa Kizza olubuto bamuwenja
3. b) Amannya gano gateeke mu lubu 10N. era ogakozese mu sentensi ng'okozesa nnakasigirwa endazi.
 - oluggyoo
 - oluku
 - oluzzi
- c) Emboozi eno giteeke mu biseera by'oluganda bino era osaze ku kabonero k'ekiseera. Ekyayita, n'ekinajja.
 - i) Abaana be balabika balwadde.

BIKOMYE WANO.